STEVEN MUSOKE



Muyonga (mu ssuuti) ne mukyala we ku ddyo nga bawayaayo ebirabo mu kuyingira ennyumba yaabwe. Ku kkono ye Fr. Ndawula.

# 'Mukole nga mukyalina amaanyi'

Bya STEVEN MUSOKE

BWANAMUKULU w'ekigo ky'e Naggalama, Fr. Ignatius Ndawula abuuliridde Abakrisitu abakyalina amaanyi okukola ennyo, obukadde bwabwe bubanguyire.

Fr. Ndawula yalangidde abakrisitu obunafu naddala abasajja abalera engalo nga bakyalina obudde n'amaanyi ekibaviirako okukaluubiriza be babeera nabo mu biseera by'obukadde.

Bino Ndawula yabyogeredde ku kyalo Nkonge okumpi ne Kalagi ku luguudo lw'e Bugerere ku mukolo Alex Muyonga gwe yategese ne mukyala we okuyingirirako enju yaabwe. Yagambye nti abamu batuuka n'okwewuddiisa nti enkomerero etuuse ne badda mu kwekatankira amagengere mu kifo ky'okukola.

Ssentebe wa Bubiro, Fred Musisi yakubirizza abazadde okuyigiriza abaana baabwe emirimu gy'emikono.